# »Enkola y‘okulwanyisa ebirwadde ku faamu y‘ebinnyonyi«

Enkola y‘okulwanyisa ebirwadde ekolebwa okukendeeza ku kuleetebwa n‘okusiigibwa kw‘endwadde ku faamu era kino kirina okuteekebwako nnyo essira naddala omuntu alimu by‘obulunzi

Okukola amangu,emitendera egigobererwa mu nkola y‘okulwanyisa ebirwadde girina okugobererwa biteekwa okuba nga bizibu okwewala ate nga byangu okuteeka mu nkola okugeza buli mulimu gulina okuba nga gusoboka, gukolebwa ate nga gusobola okubeezaawo. Okuziyiza endwadde mu lwebeeya kusobola okukolebwa nga omanya n‘okutegeera obulwadde , mpozzi n‘okugoberera emitendera egiyitibwa okuziyiza endwadde. Okusobola okuziyiza okusaasaana ennyo kw‘endwadde, enkola y‘okulwanyisa endwadde kulina okukolebwa ku mutendera omugazi ko okugeza kiziyiza okutambula kw‘ebinnyonyi n‘okuteeka mu nkola ebizikugira.

## Enkola z‘okulwanyisamu ebirwadde ku faamu

Omutendera ogusooka okulwanyisa endwadde ku faamu kwe kuziyiza okuyingira n‘okusaasaana kw‘endwadde mu mbeera zonna naye waliwo emitendera egigobererwa okusobola okulwanyisa ebirwadde.

Okuteekawo ekisenge ekiziyiza abantu oba ebintu okuyingira mu faamu, okubiwa amazzi amayonjo n‘ebiririrwamu ebitukula, n‘okuzimba ebiyumba ezitasobola kutuukamu binnyonyi ebirya enkoko n‘emmese

Okukozesa ebyo byonna ebyeyambisibwa mu ndabirira entuufu, okugaana abakola mu nkoko okufulumya enkoko, okukyusa engoye n‘engatto ezambalwa nga oyingira oba ofuluma ekiyumba

Okwawula ebinnyonyi ebipya, ozawulemu obusenge, yonga era ofuuyire bulungi

## Ebigobererwa mu nkola y‘okulwanyisa ebirwadde

Kakasa nti faamu yo na waka tebituukibwako bintu bireeta endwadde.

Ziyiza abayingira n‘abafuluma kino kikendeeza ku okukwatibwa kw‘endwadde.

Obuyonjo okugeza okuyonja ebikozesebwa, ekiyumba n‘okukuuma obuyonjo. Enkola y‘okulwanyisa endwadde eno ebeera tetuukiridde kikumi ku kikumi naye kyetaagisa okuziyiza obulungi endwadde